# Improved Stove Manual


THE LIGHT MUKONO

LOVE BINTI

# What is improved stove?
# Ekyoto ekyomulembe kye ki?

1. Ekyoto ekyomulembe ky'ekyoto ekipya eky'omutindo ekikozesa enku entono ddala. Kyazimbibwa okukendeeza enku ezetagisibwa okufumba n'okukendeeza omukka mufumbiro. Ekyoto kikolebwa mumabuloka g'ettaka oba ag'ebumba,ettaka,omusenyu n'ebisubi.

2. Ekirungi kukyoto ky'amabuloka ekizimbe kiri nti osobola okukitereeza n'okukikuumira kumutindo gwekenyini, kulayisi at'era kyangu ddala!



# Benefits of improved stove
# Eby'omugaso by'ekyoto ekyomulembe

1. Kyaaka nnyo - kikekkereza enku ebitundu nga nkaaga (60) kubuli kikumi (100) okugerageranya n'ekyoto kyabulijjo eky'amasiga asatu (3), n'olwekyo kikekkereza bulungi enku.


2. Kikendeeza omukka mufumbiro olw'okwaaka kwaakyo okulungi.

3. Kifumba mangu - ebbugumu wansi w'essepiki liringa diguli 600, okugerageranya kubugumu elya diguli 300 ery'essepiki etudde ku kyoto ky'amasiga assatu (3).

4. Ekyoto kino kiwangaala nnyo.

5. Sayizi z'amassepiki nnyingi zisobola okukikozesa.

# Parts of the improved stove
# Ebituundu bye kyoto ekyomulembe




## Materials needed
## Ebyetagisibwa

| | |
|---|---|
| Bricks (Amabulooka) | 17 pcs (Obutundu) |
| Soil (Ettaka ly'ekiswa) | 2.5 bucket (Baketi biri ne kitundu) |
| Sand (Omusenyu) | 1 bucket (Baketi emu) |
| Straw (Essubi) | 1 bucket (Baketi emu) |
| Metal Fuel Stand (Akuuma) | 1 pc (Kamu) |


## Tools and Equipment
## Ebikozesebwa

| | |
|---|---|
| Panga (Ejjambiya) | Ya kutemesa ssubi n'amabu-looka |
| Tarpaulin (Etundubaali) | Lya kutabulirako ttaka |
| Sand Sifter (Akakunguuta) | Ka kukunguuta musenyu |
| Methods of Measuring (Engeri y'okupima) | Teepu meeza, obuti |
| Buckets or wheelbarrow (Baketi oba wiiru baalo) | Ya kusituliramu ttaka n'omusenyu |

# Plan of the Improved stove
# Pulaani ye kyoto



# Measurement of the Improved stove
# Ebipimo by'ekyoto



## How to Pick Kitchen Location?
## Okulonda ekifo ky’ekyoto?

1. Think about air ventilation (Lowooza ku mpewo) Toteeka Kyoto mumaaso g’olujji kubaanga empewo etawaanya omuliro.

2. Think about sunlight (Lowooza ku musana) Beera nekitangaala ekimala nga ofumba.

***Lowooza n’obwegendereza wa w’ogenda okuteeka ekyoto kubaanga tosobola kukisitu-la kukitwaala mu kifo ekirala!***

# Step by Step
# Ddaala Ku ddala

A. Preparing the Materials (Tegeka ebikozesebwa)

1. Tema essubi mubutundutundu obwetagisibwa

2. Sengejja omusenyu bwekiba kyeetagisibwa

3. Funa ettaka ly'ekiswa (2 and ½ buckets)

4. Tabula ettaka n'omusenyu

5. Yiwa amazzi mu ttaka n'omusenyu


6. Sotta ettaka

Ettaka: Omusenyu: Essubi, 2.5: 1: 1. Sottela essawa nga bbiri.
Leeya esembayo eya pulasita, Ettaka: Obusa bw'ente, 1: 1

7. Okutemamu amabulooka

3 pieces of half Bricks – Ebituundu ebisatu ebyamabuloka
14 pieces of Full Bricks – Amabulooka amalaamba kumi n'ana

1.



Teeka wansi akatayimbwa Zimba nga oketoloola nga olekayo akabaanga kato-no. Teeka ettaka wansi.

2.




Teeka bulooka ku ttaka.

3.




Teeka ettaka ku bulooka.

4.



Teekako leeya ey'okubiri omale ojjuze amabaanga n'ettaka.

5.




Teekako leeya ey'okusatu okole omulyango.

6.



Teekako pulasita w'ettaka.

7.



Teekako obusiga omale omaale. Tokozesa ekyoto nga kikyaali kibisi kubanga kijakwaatika- yatika.

# Using the Stove
# Enkozesa y'ekyoto

1. Tema enku nga nyimpi; ezisobola okuja mumulyango gw'ekyoto.

2. Kakasa nti munda w'ekyoto muyoonjo. Jjamu evvu namanda bye wa kozesezaako.

3. Kozesa empapula okkuma omuliro. Okukumisa pulasitiika kiyiinza okubeera ekyaangu naye kireeta omukka ogw'obutwa. Kozesa akaveerako okugula ebintu ssi kkuma muliro!

4. Sosaako empapula kukuuma, ozeeko obuku obutono omale oteekeko enku ennene.

5. Kwaasa omuliro

6. Lindako omuliro gukwaate bulungi olyooke otekeko entamu. Okuteekako entamu amangu kiremesa empewo okuyingira, omuliro negulema okwaata.

7. Bikka ebbali nebbali w'ekyoto. Lekayo akabaanga katono akasobola okuyingiza empewo.

8. Nyumirwa okufumba. Bwooba nga otaddemu enku ezimala, osobola ogenda n'okola emirimu emirala.

9. Buli jeweeyongera okukikozesa, n'okukitegeera!

***Ekyoto kino kipya, kigenda kutwaalira obudde okukiyiga teweralikirira, bwonooba okiyize, okufumba kujja kwanguyira, era n'omukka okukendeera!***

## Maintain and Repair the Stove
## Okukuuma n'okuddabiriza ekyoto

1. Ebitundu byonna Ebyekyoto bidabirizika.

2. Kyamugaso nyo okudabiriza ekyoto kisobole okusigala ngakikuuma ebbugumu. Kakasa nti sayizi yo'munda tekyuuka kisobozese ekyoto okusigala nga kyaaka bulungi!

3. Ekyoto bwekiba kimenyese osobola okuddamu no'kizimba!

4. Akuuma enku kwezituula kokyebwa mumitayiimbwa. Bino byebipimo byaako, osobola ogamba abookya ebyuuma nebakabwokera oba nokeyokyera! Kano akuuma kamugaso nyo kubaanga kekatulwako enku.

# Tips for the Stove
# Ebyaama ku kufumba

1. Enku zitereke awatatuuka nkuba oba amazzi. Enku embisi zaaka mpola nnyo ate zireeta omukka.

2. Enku enjaseyase zaaka bulungi okusinga enenne oba ennamba.

3. Kozesa obutundu 2 oba 3 obw'enku. Olemekwonoona nku ate wewale omukka.

4. Longosa ekyoto buli lunaku nga tonnaba kutandika kufumba. Ggyamu evvu lyonna. Tokozessa mazzi okulongoosa.

5. Essepiki tojijjuza nnyo emmere ereme okubooga n'okuyiika mu kyooto.

6. Saanikira ku by'ofumba bisobole okujja amaangu.

## Contact Information

Caxton Hasahya: (+256)708852992

Rogers Kasana: (+256)707929025

Justus Juma: (+256)752179512

LOVE BINTI

